

# Mengo SS bali mu kaweefube wa kuzimba ekizimbe kya buwumbi 18

Bya PATRICK KIBIRANGO

AB'ESSOMERO lya Mengo SS banoonya sseente obuwumbi 18.6 okutwala mu maaso pulojekiti y'okuzimba ekizimbe abayizi mwe baliira eky'emyaliro omwenda.

Akulira essomero lino, Dr. Grace Nantajja, bwe yabadde ayogera ku kaweefube ono, yatangaazizza ku bigambibwa nti amasomero gannansangwa ennaku zino gakaalaamizza fiizi nga beerimbika mu nkulaakulana ze bassa mu masomero. Yaganbye nti, kituufu sseente ezisabibwa zirabika nga

ennyinyi kyokka okukikola bayita mu mitendera omuli okutuula n'abazadde, olukiiko olufuzi olw'essomero ne minisitule y'ebyengigiriza n'ezikakasa.

Era yalambuludde enteekateeka y'ekijulo ekyatumiddwa 'Dinner Phase Two 2026', ekitegekeddwa essomero lino ku Lwokutaano nga October 9, 2026, n'ekigendererwa eky'okusonderako sseente ez'okutwala mu maaso pulojekiti y'okuzimba ekizimbe kya Complex Dining Hall ku ssomero lino.

**Akulira Mengo SS, Grace Nantajja (ku ddyo) ne Dorothy Kiggundu avunaanyizibwa ku mawulire mu ssomero. Baabadde ku kizimbe ekiri mu kuzimbibwa ku ssomero lino.**

"Nga Mengo SS, tulina abasomera 378, naye Gavumenti b'esasula bali 73 bokka, ekitegeze nti abasigadde abazadde be babasasulira". Nantajja bwe yategeezezza.

Yakoowodde abasomera ku Mengo SS, abazadde, n'abalyagaliza ebirungi okwetaba ku kijulo kino babakwatizeeko okutuukiriza ekigendererwa kyabwe eky'okumaliriza ekizimbe

kino mu myaka 3.

Yagambye nti, ekizimbe kino kyababirirwa okuwemmenta obuwumbi 18.6, nga ku zino baakafunako obuwumbi 4, ezizimbye emyaliro ebiri egisooka ne giggwa.

Okwetaba ku kijulo kino, ogula emmeeza ya bukadde 4, ng'eno etuulibwako abantu 8, ekitegeze nti buli ntebe ya mitwalo 50.

Avunaanyizibwa ku byamawulire

n'empisa z'abaana ku ssomero lino, Dorothy Kiggundu, agamba, ekifo abayizi we babadde baliira emmere kyafunda, ng'ekizimbe kino kigenda kubaako ekisenge kya 'dayiningi' ekimala obulungi abayizi wamu n'okukolerwako ebirala okugeza; Computer Library, ekisenge kya jjiimu, kantiini, ofisi z'abakozi n'ebirala ebinaasobozesa abayizi okusoma obulungi.

## Abalondoola amasomero batabukidde bannabyabufuzi abeekiika mu mirimu gyabwe

SHARON NABASIYE



**Abamu ku beetabye mu musomo. Ku ddyo ye Kedrice Turyagenda ng'ayogera.**

Bya SHARON NABASIYE

ABALONDOOLA amasomero basabye minisitule y'ebyenjigiriza ebayambe ku bannabyabufuzi ababalemesa nga balondoola enzirukanya y'emirimu mu masomero.

Baakulembeddwa Humphery Mawanda okuva e Mukono ne bategeeza nti, basanga amasomero agatatuukanye na mutindo ne babayimiriza kyokka ne gaddamu okukola. Baabyogeredde mu musomo gw'okwogiwaza abalambula amasomero ogwayindidde ku Teso College Aleot mu

ggombolola y'e Awaliwal mu disitulikiti y'e Soroti.

Era baagambye basoomoozebwa amasomero ageesigama ku musingi gw'ebweru (International Curriculum) nga n'enziurukanya yaago tekwatagana na masomero agali ku musingi gwa Uganda era ng'okubakolako lipoota kikalubamu. Baasabye Gavumenti ebongere ku nsimbi ze beeyambisa nga balondoola amasomero.

Akulira eby'omutindo gw'ebyenjigiriza mu ggwanga, Frances Atima yagambye, omusomo gwategekeddwa kubangula abalondoola amasomero

n'abakulira ebyenjigiriza ku disitulikiti ku misoso emipya egyongeddwa mu by'okulondoola amasomero ag'ebika byonna.

"Tewali ssomero likkizibwa kusomesa misingi ebiri (Dual Curriculum). Essomero lirina okusalawo oba ligoberera bya wano oba ligoberera by'ebweru," Atima bwe yategeezezza.

Omuwandiisi wa minisitule y'ebyenjigiriza ow'enkakkalira Kedrice Turyagenda yagambye nti, abalondoola amasomero balina okugayamba okutuukiriza ebyetaago sso si kugaggala oba okunafuya abagaddukanya.



Makerere University Retirement Benefits Scheme

## MAKERERE UNIVERSITY RETIREMENT BENEFITS SCHEME (MURBS)

### EKIRANGO KY'OLUKIICO TTABAMIRUKA NE AGENDA

Olukung'aana lwa bonna olw'omwaka olwa Bammemba b'ekibiina kya Makerere University Retirement Benefits Scheme (MURBS) olw'omwaka gw'ebyensimbi ogwaggwaako nga June 30, 2026, lujja kubaawo ku Lwokuna nga October 29, 2026 ku ssaawa 8:00 ez'emisana. Olukung'aana luno lujja kubaawo enkola zonna omuli ey'okubeerawo mu buntu ate n'ey'oku mutimbagano. Ekifo olukung'aana luno werujja okubeera kye kya Yusuf Lule Central Teaching Facility (CTF), mu kisenge ekibamu enkung'aana ku Yunivasite e Makerere. Ayagala okulwetabamu ng'oyita ku mutimbagano weewandiise ng'oyita ku linki eno: <https://bit.ly/MURBSAGM2026>.

#### AGENDA EGENDA OKUGOBERERWA ERAMBIKIDWA WAMMANGA:-

- Essaala eggulawo**  
Okuteeka olukung'aana lwaffe n'ebigendererwa byalwo mu mikono gya Katonda.
- Obubaka obwaniriza abakiise wamu n'okweyanjula**  
Okwaniriza bammemba wamu n'abantu abalala ate n'okweyanjula kw'abayima, olukiiko olukulembeze, abagabi b'obuweereza, abagenyi abalala wamu n'abakwatibwako.
- Okuwandiika abakiise**  
Okuwandiika bammemba bonna abaliwo ate n'abantu bonna abanaabeera mu lukung'aana luno.
- Okusoma ebyali mu lukung'aana lwa bonna olw'omulundi ogwe 15 (Olwaggalawo omwaka gw'ebyensimbi ogwa 2025) olwaliwo nga October 23, 2025**
  - Okukakasa ebiteeso**  
Bammemba okufuna ebiteeso by'olukung'aana lwa bonna olw'omwaka gwa 2025 olwaggalawo omwaka gw'ebyensimbi ogwaggwaako nga June 30, 2025 era nga lwaliwo nga October 23, 2025.
  - Okuteesa ku biyinzira okuba nga bivudde mu biseeso ebyayita**  
Abakiise bajja kuteesa ku nsonga eziyinzira okuva mu biteeso ebyali mu lukiiko lwa bonna olwali olw'omulundi ogwe 15 nga lwe lwaggalawo omwaka gw'ebyensimbi ogwakomekerezabwa nga June 30, 2025 era nga lwaliwo nga October 23, 2025.
- Lipoota y'omwaka wamu n'ebyensimbi eby'omwaka gw'ebyensimbi ogwaggwaako nga June 30, 2026**
  - Oluliiko lw'abayima lujja kwanjula lipoota y'omwaka wamu n'ebikwata ku by'ensimbi eby'omwaka gw'ebyensimbi ogwaggwaako nga June 30, 2026.**
  - Okwogera okuva eri ekitongole ekitulambika mu nkola y'emirimu eky'a Uganda Retirement Benefits Regulatory Authority.**
  - Bammemba okukubaganya ebirowoozo ku lipoota y'omwaka wamu n'ebikwata ku by'ensimbi.**
- Ebirala ebiyinzira okwogerwako (AOB)**  
Okukubaganya ebirowoozo ku kintu kyonna ekiyinzira okuletebwa mmemba oba bammemba. Kyokka oyo ayagala okubaako ky'ayogera mu mbeera eno alina okwewandiisa era n'okuwandiisa ensonga ye eri olukiiko olukulembeze waakiri essaawa 48 ng'olukung'aana terunnatandika.
- Okuggalawo**  
Olukiiko lwakuggalawo obutasukka ssaawa 11:00 ez'akawungeezi.

*Angida*  
Secretary, Board of Trustees  
**CPA Francesca Angida Mugyema**  
Date: 2<sup>nd</sup> October 2026

**GYETUSANGIBWA N'ENDAGIRIRO YAFFE**  
Makerere University - House 138, Fig Tree Lane (Pool Road), P. O. Box 7827, Kampala - Uganda,  
Tel: 0414 531 472/ 0788 788 441. Email: [info@murbs.mak.ac.ug](mailto:info@murbs.mak.ac.ug), Website: [www.murbs.mak.ac.ug](http://www.murbs.mak.ac.ug)  
Licensed by the Uganda Retirement Benefits Regulatory Authority (RBS.0005).